

P360/1

LUGANDA

Paper 1

Jul/Aug 2019

2 ½ Hours



MUKONO EXAMINATION COUNCIL

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

(Gulama, eby'obuwangwa n'abawandiisi)

Paper 1

ESSAAWA BBIRI (2) N'EKITUNDU

EBIGOBERERWA

- *Olupapula lulimu ebitundu bisatu: A, B ne C.*
- *Mu kitundu A ebibuuzo byonna bya buwaze.*
- *Mu kitundu B, oweereddwa eby'okulondako.*
- *Mu kitundu C, ddamu ekibuuzo kimu kyokka.*

EKITUNDU A

Ddamu ebibuuzo byonna ebikuweereddwa mu kitundu kino.

1. a) Longoosa ensobi ezikoleddwa mu sentensi zino wammanga.
 - (i) Afuga ekyalo kyaffe ye Lukabwe Alifunsi.
 - (ii) Enva zisibire kummere.
 - (iii) Ggwe ayera ebisasiro w'osula?
 - (iv) Essuula ey'omukaaga yannyumira nnyo.
 - (v) Ow'akasolya akkirizza twabye olumbe lwa Kitaffe.

(Obubonero 5)

- b) Nga weeyambisa eby'okulabirako okuva mu mboozi eno, laga embu z'ebigambo ezeeyolekeramu.

Ku mutala ogwo kwali tekulundirwa ndiga. Haha..... zireeta Ndyabyose omugwira ate ataawuliriza byamugambibwa. Yaleetako endiga era ku olwo ng'enkuba etonnyerera eggulu ne limukuba n'afirawo.

(Obubonero 6)

- c) Ddamu owandiike sentensi ezikuweereddwa nga mu buli emu weeyambisaamu ekikolwa ekiteemala/ ekiyambi. Ky'omaze toddamu kukikozesa.
 - (i) Omwana akaaba
 - (ii) Maama alima
 - (iii) Nalumansi adduka
 - (iv) Ggyawo ekitabo ekyo.

(Obubonero 4)

- d) Gatta sentensi ezikuweereddwa wammanga ng'okozesa nakasigirwa entabaluganda ne nakasiba.
 - (i) Musoke teyalabikako mu kibiina. Baamugamba aleete omu ku bakadde be.
 - (ii) Embuzi yamenyeka okugulu. Twasalawo tugitte tugirye.
 - (iii) Amata gayiise mu Kyoto. Gannumye obutaganywako.
 - (iv) Omuyembe gwengedde. Ngulidde ne mpoomerwa.

(Obubonero 4)

- e) Ddamu owandiike sentensi ezikuweereddwa wammanga nga weeyambisa obuwakatirwa bw'ebikolwa obuteereddwa mu bukomera.
 - (i) Ndiddde ndagguzokka (akeekolako)
 - (ii) Twasoma nnyo ebitabo. (kyesirikidde)
 - (iii) Nambatya yazimbye ettama. (akajjuluzi)
 - (iv) Mansira amazzi ku lugoye. (akalazi akaddiŋŋana)

(Obubonero 4)

f) Ddamu owandiike sentensi ezikuweereddwa wammanga ng'amannya agalimu ogasisizza nakasigirwa enkakasi.

- (i) Twalya muwogo.
- (ii) Omukwano gumuboyaanya.
- (iii) Bava waggulu.
- (iv) Olumbe lubamazeewo.

(Obubonero 4)

g) Teeka obubonero obutuufu (punctuation marks) we bwetaagisa mu sentensi ezikuweereddwa.

- (i) Wasuze otya
- (ii) Amuggyeko bino wammanga engatto ensawo akasipi n'ekiteeteeyi.
- (iii) Omwana agudde mu kkalaayi ya butto gye baakaggya ku Kyoto.
- (iv) Olwamulaba n'amubuuza nti ggwe ajja yeeboolya ova wa.

(Obubonero 4)

EKITUNDU B

Kola nnamba 2,3 ne 4 ng'ogoberera ebikuweereddwa.

Kola 2(a) oba 2(b)

2. a) Nnyonnyola ku bulombolombo obutali bumu obwesigamizibwa ku mukazi mu mpisa z'Abaganda ez'enjawulo. **(Obubonero 20)**

b) Nnyonnyola ku ebyo ebikolebwu mu kufulumya olumbe. **(Obubonero 20)**

3. a) Ku bisoko ebikuweereddwa, londako bitaano (5) onnyonnyole amakulu gaabyo agoomunda.

- (i) Okuzibula omuntu amaaso
- (ii) Okuba kaamukujje
- (iii) Okutamiira ekintu.
- (iv) Okutuula kibumbutayire
- (v) Okuggyayo omwoyo ng'asottera embwa.
- (vi) Ow'e Bukeerere okuba omuntu obubi.

(Obubonero 10)

b) Ku bisoko ebikuweereddwa, ggyako bisatu (3) obikozese mu sentensi eziggyayo amakulu gaabyo agoomunda.

- (i) Okusiiga omuntu enziro
- (ii) Okuzannya n'omuliro.
- (iii) Okutambula nga kasooli omubisi.
- (iv) Okutwalibwa e Mpanga.

(Obubonero 6)

4. a) Maliriza engero ssatu (3) ku zikuweereddwa nga bwe zoogerwa.

- (i) Amawolu
(ii)tebawala luga
(iii) Ssentamu nkadde
(iv)yeerabira enkenku

(Obubonero 6)

- b) Ku ngero ezikuweereddwa, londako nnya (4) onnyonnyole amakulu gaazo agoomunda.

- (i) Omuto mbuzi erundwa wa kamwa.
(ii) Bakidambya kye kizaala eddenzi.
(iii) Ow'ekisa akutta totegedde akakubampanga emmese kagissa zzina.
(iv) Akulunza embuzi naawe omulunza maliga.
(v) Kasugga kagoba kisambu.

(Obubonero 8)

EKITUNDU C

Kola ekibuuozu kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 5, 6 oba 7.

Kola 5(a) oba 5(b)

5. a) Nnyonnyola engeri obuweereza bwa Kaswa gye bwekubidde ennyo ku byenjigiriza.

(Obubonero 20)

Oba

- b) Kaswa alafuubana atya okuyamba abantu b'eggwanga lye okuba abakozi
abeekulaakulanya?

(Obubonero 20)

Kola 6(a) oba 6(b)

6. a) Nnyonnyola engeri ez'enjawulo Busuulwa ze yeekwata okukuma obuwangwa bwa
Buganda.

(Obubonero 20)

Oba

- b) Busuulwa atunyumiza atya ku ηηoma Kavugirambuga mu kimu ku bitabo bye?

(Obubonero 20)

Kola 7(a) oba 7 (b)

7. a) "Agali awamu ge galuma ennyama." Nnyonnyola engeri Matovu Joy gye yeesigama ku
makulu agali mu njogera eno okusobola okuzimba eggwanga lye.

(Obubonero 20)

Oba

- b) Matovu atwoleka ebintu ebikyamu ebikosa eggwanga lyaffe ate n'ebyo ebirungi
ebiritumbula. Nnyonnyola nga weesigama ku kitabo kye ***Eddaame lya nsimbi***.

Bikomye Wano